# MASOMERO: Akabaate ka fiizi, ebyetaago ne jjaamu



Abazadde mu keetalo k'okugula ebyetaago abaana bye batwala ku ssomero. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

agakugamba nti omuyizi alina okubeera n'akatabo k'asoma mu kibiina naye nga kano tekava ku ssomero era bakakusasuza 20,000/-. Wabula ng'omuzadde ayagaliza omwana wo ebirungi era nga toyagala na kubakaayanya, oziwaayo, wabula toyinza kumanya oba kaamuweebwa, akasoma ddi n'ebiringa ebyo.

## AB'AMASOMERO BANNYONNYODDE

Eyaliko omukulu w'amasomero ga Gavumenti okuli ne Bombo SS eyawummula, Muhammad Bisaso Ntamu agamba;

Okubeezaawo omwana ku ssomero kya bbeeyi. Okugeza, omwana omu bw'omubala okulya okuva ku makya okutuuka ku kyeggulo, amasanyalaze, amazzi, ebibajje omuli entebe n'ebirala aggweera mu 10,000/-.

Olw'okuba abazadde tebaagala kubongeza ffiizi, ab'amasomero bangi bababafunira mu byetaago, kubanga ffiizi tezisobola kukola byonna. Ate abazadde abamu bapeeka amasomero ebintu ebirungi, okugeza mu byokulya ne beerabira nti ebirungi bikolebwa ssente. Abazadde mbawa amagezi, buli omu atwale omwana mu ssomero ly'asobola.

Eyaliko omukulu w'amasomero g'obwannannyini ag'enjawulo *Timothy Kitasse* agamba;

Ebbanga lye nkulembedde amasomero g'obwannannyini nkizudde nti omuzadde anyigirizibwa bya nsusso. Bannannyini ssomero weesanga nga bawerako nga buli ekisabibwa omuyizi waliwo eyakyekwata. Waliwo atwala fiizi, atwala ez'ebyetaago, akwata ez'enjeyo n'ebikookooma, akwata ez'emmere n'ebirala. Kweggamba nga bonna batunuulidde ssomero limu nga buli omu alina w'aliira okusinziira ku kye yateekamu.

Waliwo amasomero agamu ng'ebyetaago babyagala mu ssente, era batandiseewo ne bizinensi z'ebikozesebwa ku masomero omuli ebitabo n'ebirala. Olwo ne bakuguza ebyabwe bye baasuubudde..

Minisitule y'ebyenjigiriza esaana eveeyo ewere amasomero okusasuza abazadde ebyetaago ebiyitirivu.Ream emu ebeeramu empapula 500, kizibu omwana okugikozesa omwaka omulamba n'eggwaamu, naye osanga abamu bagisasula buli ttaamu, teebereza!

Okusoma nakwo kwandibaddemu ttaamu bbiri ate ebyetaago ne babisaba omulundi gumu mu mwaka. Yunifoomu nazo tezandikyusiddwa. Lwaki buli kibiina kibeera ne yunifoomu eyaakyo?

Abasuubuzi b'ebitabo ku Nasser Road, Ream bangi bazisuubula mu masomero era emmotoka zijja ne zitikka ne zitwala okutunda ate ttaamu eddako omuzadde ne bamukanda endala.

Omuzadde y'ali mu yoleke wa bino byonna era obasanga batambula beeyogeza bokka nga balinga abalalu kumbe kiva ku masomero kubabinika bintu bisusse!

## ABAZADDE BALABUDDWA KU MUTINDO

Ekitongole ekivunaanyizibwa ku mutindo gw'ebyamaguzi mu ggwanga ekya Uganda National Bureau of Standards (UNBS), kirabudde abazadde ku bintu ebikolerere ebiri ku katale, bye balina okwegendereza nga bagulira abaana bye batwala ku ssomero, bibatangire endwadde.

Omwogezi wa UNBS, Sylvia Kirabo yagambye nti ebyeyambisibwa mu masomero ebitali ku mutindo tebikoma kw'ebyo ebimanyiddwa ng'ebitabo, engatto, ppeeni n'ebirala, wabula bizingiramu n'ebyokulya n'okunywa.

Kirabo agamba nti wadde ekitongole kino kifuba okubowa ebyamaguzi ebicupule ku katale, tekisobola kubeera mu buli kifo mu ggwanga. Asabye buli muntu okubeera mbega wa munne okulaba ng'omuze guno guggwaawo.

Yagambye nti waliwo abacupula ebitabo, ku ddiba ne bateekako obulambe obwa kkampuni ezikola eby'omutindo kyokka munda nga bifu. Kwogatta abatunda ebituufu, naye ne babitoolako nga tebiwera.

Emmere nayo erimu omutindo ogw'ekibogwe era abayizi bangi abaddusiddwa mu malwaliro mu masomero ag'enjawulo nga kivudde ku kulya mmere eteri ku mutindo. Yawadde abazadde amagezi okugoberera bino wammanga nga bagula ebintu;

1 Kozesa obwongo n'amaaso kuba guno gwe mutendera ogusooka.

2 Kebera ku nnaku z'omwezi ebyamaguzi bino kwe byakokebwa n'ekiseera ekyabiweebwa okukoma okuliibwa.

3 Noonya akabonero ka UNBS ak'omutindo aka Quality Mark (Q).

4 Weewale okugula ebyamaguzi omuli ebyokulya n'okunywa ebitaliiko bibinnyonnyola ku ngulu.

5 Obuwunga n'ebijanjaalo bwe bituusibwa ku masomero, tobitereka wansi ku ttaka oba ku seminti kuba muyingiramu obukyafu obuva ku kunnyuukirira ne bifuuka obutwa.

6 Obuwunga buli kasawo kateekwa okubaako erinnya lya kkampuni ebukola, ekiseera mwe bulina okukoma okuliibwa n'ennamba z'essimu. Kino kibanguyiza okumanya nnannyini kkampuni eyakoze obuwunga buno ssinga abayizi bafuna obuzibu.

7 UNBS yataddewo nnamba z'essimu ezitali za kusasulira z'okubako ssinga weekengera ebyamaguzi ku katale oba gye biva. Kuba 0800133133 / 0800233233.

## AKALIPPAGANO KAASUSSE

Eggulo akalippagano k'ebidduka kaasusse ku nguudo eziyingira Kampala, olw'abazadde abaabadde batwala abaana baabwe ku masomero. Enguudo zonna zaabadde zijjudde emmotoka omuli abayizi, nga n'awamu kitwala eddakiika nga 15 ku 20 emmotoka okuseetuka.

Bwe kyatuuse ku makubo agali mu kukolebwa okugeza mu bitundu by'e Nateete, gwajabagidde, ekyavuddeko emmotoka okukwata ku nguudo okuli olw'e Mityana n'olw'e Masaka. Buli kaguudo akayita ebbali nga kagguka ku luguudo mwasanjala bwonna bwabadde bukwatiridde emmotoka, nga tewakyali ggezi lyonna okuggyako okugumiikiriza.

## Abantu bye bagamba



Harriet Namulondo: Gavumenti ngisaba erongoose amasomero gaayo, tumanye nti yo waliyo akalembereza kuba nago gatabuse. Basaba ebintu bingi n'entebe abaana kwe batuula bazitusasuza! Ate mu g'obwannannyini, olemwa.



**Jesca Nakate: Abazadde tulinga abawanikiddwa ku kalabba, amateeka ku masomero gatusuza tutunula. Batukanda bingi ng'ate ssente ntono mu bantu. Baagala tusindike abaana nga bamazeeyo fiizi, tuziggye wa?**



Jamil Kabugo: Gye nsomeseza abaana waliyo ekitabo bakituguza 100,000/- ng'omwana ky'akozesa nga kirimu amasomo gonna. Buli ttaamu ogula kipya n'ebyetaago ebirala. Gavumenti etutaase, tufa!



**Damalie Nabunnya Kibirige; Gavumenti ewe amasomero gaayo ebyetaago byonna kuba gatuuka ne gatusabayo ssente okukola ku kulya, okusasula abasomesa n'ebirala ng'ate tetulina ssente.**

## GAVUMENTI EYOGEDDE

Minisita omubeezi ow'ebyenjigiriza John. C. Muyingo yasabye abazadde okuzzaayo abaana baabwe mu masomero, ate babawe ebyetaago byonna, baleme kubasigaza waka nga beekwasa nti ku ntandika ya ttaamu, ku masomero tewaba byakukola.

Yalagidde abalambuzi b'amasomero balondoole ebigenda mu maaso mu masomero, okulaba nga galina ebyetaagisa byonna olwo abayizi basobole okusoma obulungi. Kino balina kukikola mu wiiki eno.